OLULYO LWA KIYINGI

OMUZIRA ATAAYATIIKIRIRA

"Omusinji eri Abaana, Abazzukulu n'Emirembe egiriddawo"

(KIYINGI ROOTS: A LIFE STORY OF
PAULO KIKWANGUYIRA KIYINGI – THE UNSUNG HERO
"A legacy to the children, grandchildren and generations thereafter")

Omukung'aanya

Ye

Kikuttobudde Sekkadde Kiyingi

OLULYO LWA KIYINGI

OMUZIRA ATAAYATIIKIRIRA

"Omusinji eri Abaana, Abazzukulu n'Emirembe egiriddawo"

(KIYINGI ROOTS: A LIFE STORY OF
PAULO KIKWANGUYIRA KIYINGI - THE UNSUNG HERO
"A legacy to the children, grandchildren and generations thereafter")

Omukung'aanya

Ye

Kikuttobudde Sekkadde Kiyingi

ISBN 0-646-43550-7

Copyright © 2002 Sekkadde Kiyingi

All rights reserved. No part of this publication may be reproduced or transmitted, in any form or by any means other than in fair media reviews, without prior permission of the author.

Tekakutanda n'okoppa ebiri mu kitabo kino nga tomaze kufuna lukusa lwa mukung'aanya wakyo. Oyo yenna anaakikola ayinza okuvunaanibwa.

Wholly designed and printed by Multimedia and Print Services (MAPS)
James Cook University
Townsville, Australia

CRICOS provider codes: 00117J (QLD); 02153M (VIC); 01965E (NSW).

ENDAGIRIRO (CONTENTS)

		Omuko
ENYANJULA		ix
EBISOOKA		xii
Ennyingo 1:	Obujjajja bwa Paulo Kiyingi (PK)	1
	1.1 Obujjajja	1
	1.2 Ebyafaayo by'Ekika	1
	1.3 Okutandika kw'Omuziro gw'Endiga	2
	1.4 Amasiga	3
	1.5 Ensibuko ya Paulo Kiyingi	3
Ennyingo 2:	Obuto bwa Paulo Kiyingi	7
	2.1 Ennaku za Paulo Kiyingi ez'omu buto	7
	2.2 Samwiri Lwasi Buzaabo ne Semyoni Kaddu bava e Mpami	8
	2.3 Okusoma kwa Paulo Kiyingi	9
	2.4 Paulo Kiyingi alwana mu Ssematalo eyasooka	9
	2.5 Addamu okusoma olutalo nga luwedde	11
Ennyingo 3:	Paulo Kiyingi asajjakula	12
	3.1 Afuna omulimu ewa Provincial Commissioner, Buganda	12
	3.2 Paulo Kiyingi asooka okuwasa Omukyala Ayisa Nakku	12
Ennyingo 4:	Ebisooka ku Eseza Nabwami (ENK)	14
	4.1 Obuzaale n'okukula kwa Eseza Nabwami	14
	4.2 Asanasiyo Lule Mujugumbya awasa Eresi Ssanyu	14
	4.3 Asanasiyo Mujugumbya afuna mailo ye Mirembe	14
	4.4 Erinnya "Sizannya" nga bweryajja	15
	4.5 Okusoma kwa Eseza Nabwami	16
	4.6 Eseza Nabwami akula ne mukuluwe Sofia Nanteza	16
	4.7 Sofia Nanteza ava ewa Yokaana Kamya Kajjongolo	16
	4.8 Eseza Nabwami ava e Kassanda okudda e Mulago	16
Ennyingo 5:	Paulo Kiyingi awasa Eseza Nabwami	17
	5.1 Paulo Kiyingi (PK) bamulabira omukyala ow'okuwasa	17
	5.2 PK ne ENK bagattibwa mu Bufumbo Obutukuvu	17
	5.3 PK ne ENK batandika obulamu bwabwe nga omuntu omu	17
	5.4 Olulyo lwa Kiyingi	18
	5.5 Olusozi Makeerere	18
Ennyingo 6:	Okweyongera mu maaso n'Obujjajja	19
	6.1 Baganda ba Paulo Kiyingi, n'abaana be bazaala	19
	6.2 Okulanya	22
	6.3 Abaana abalala abaakulira mu mikono gya PK ne ENK	22

Ennyingo 7:	Obutabanguko mu Buganda mu 1940s	24
	7.1 Okweyogera mu maaso n'emirimu gye mu Gavumenti	24
	7.2 Eby'Obufuzi mu Buganda	24
	7.3 Ensonga ezavaako Okuwangangusibwa kwa Paulo Kiyingi	25
	7.4 Okuwangangusibwa	28
	7.5 Ekibinja ky'abalala nabo Abaawangangusibwa mu kiseera ekyo	29
	7.6 Okukwatibwa kwabwe	29
	7.7 Okukwatibwa kwa Paulo Kiyingi	29
	7.8 Nga bali mu kkomera e Luzira	30
	7.9 Embeera y'ekkomera	30
	7.10 Okuwangangusibwa kwabwe	33
	7.11 Okutwalibwa kwa PK	34
	7.12 Nga bali e Kitgum	35
	7.13 Olunaku lw'Amazaalibwa 25 Desemba 1945	36
	7.14 Batwalibwa e Moroto	36
	7.15 Obulamu mu nkambi e Moroto	37
	7.16 Bazimbirwa enkambi endala	37
	7.17 Paulo Kiyingi afuna omuwereza	38
	7.18 Okusoma kw'abaana ba PK abaali mu buwanganguse	38
Ennyingo 8:	Obulamu e Makeerere mu biseera by'okuwangangusibwa	39
	8.1 Sserunkuuma Bbwaddene asigala ne baana banne e Makeerere	39
	8.2 Kazigizigi nga abaana abo basigadde awaka e Makeerere	39
Ennyingo 9:	Paulo Kiyingi ne banne bateebwa	43
	9.1 Okuteebwa kwa Paulo Kiyingi	43
	9.2 Okwejjukanya ku Kuwangangusibwa kwa PK ne banne	43
	9.3 Amannya "Banadda" ne "Bulituuka"	44
	9.4 Paulo Kiyingi "Banadda" ava e Zirobwe okudda e Bukatira	44
Ennyingo 10:	Obulamu e Makeerere	45
	10.1 Ebiseera nga tebannagenda mu Buwanganguse	45
	10.2 Ebiseera ebyaddirira 1945 nga bavudde mu Buwanganguse	46
Ennyingo 11:	Obulamu e Bukatira	48
	11.1 Obulamu bwa PK n'Omukyala Susaana Nakidali e Bukatira	48
	11.2 Paulo Kiyingi awoleza Abantu ba bulijjo emisango	49
	11.3 Aleeta omwoyo gw'obwegassi mu kitundu	49
	11.4 Abaddugavu Okusunsula Pamba ne Mwanyi	49
Ennyingo 12:	Akasasamalo "Namba 9", 1949	50
	12.1 Akasasamalo Akokubiri "Namba 9" mu Buganda	50
	12.2 Pamba ne Mwanyi bitandika Okusunsulwa Abaddugavu	51
Ennyingo 13:	Eby'Obufuzi nate	52
	13.1 Okwenyigira mu By'obufuzi (Politics)	52

Ennyingo 14:	Paulo Kiyingi Omunnansi ate ow'Ennono	54
	14.1 Bafumbiza abaana baabwe okuva mu maka	54
	14.2 Paulo Kiyingi bye yakolera ekika ky'Endiga	54
	14.3 Paulo Kiyingi bye yakolera e Kanisa y'e Makeerere	55
	14.4 PK nga omusajja Omuganda	55
	14.5 Ettaka lya Paulo Kiyingi	56
	14.6 Pension ya Gavumenti	57
Ennyingo 15:	Ennaku za Paulo Kiyingi ezisembayo	58
Ennyingo 16:	Eseza Kiyingi Omunnansi Omweyagazi	59
	16.1 Eseza Kiyingi asigala e Makeerere nga Namwandu	59
	16.2 Ennaku za Eseza Kiyingi ezaasembayo	60
Ennyingo 17:	Ebifundikira	61
	17.1 Obulamu bwa Paulo Kiyingi ne bye tumuyigirako	61
	17.2 Obulamu bwa Eseza Kiyingi ne bye tumuyigirako	62
OBUYUNGO (Appendices)		63
Akayungo -	1. Moses Semyano Kiyingi	63
	2. Mary Namitala Bukayanirwa Ntambaazi	66
	3. Efulansi Miriam Lwalamukwano Nalugwa Musoke	67
	4. Henry James Basajjanswa Mpiima Kiyingi	69
	5. Damasko Kikwanguyira Kaggulire Kiyingi	71
	6. David Buzaabo Kulumba Kiyingi	73
	7. Athanus Lule Bbosa Kiyingi	75
	8. Elizabeth Rosette Banzigya Nakiyingi Wamala	76
	9. Ester Lilian Nabbosa Muleme	78
	10. Balubuuliza Kibuuka Kiyingi	80
	11. Samuel Kigwira Kiyingi Lutalo	82
	12. Kikuttobudde Sekkadde Kiyingi	84
	13. Margaret Kuumekyoto Naluggya Musoke	87
ENSIBUKO Y'EBIMU KU BIRI MU KITABO (References)		88



Olulyo lwa Kiyingi nga bwe lulanda, okuva ku Kalyesubula Kikonyogo, Lwomwa eyasooka

Paulo Kikwanguyira Banadda Kiyingi. Nga akyakola mu ofiisi ya Resident Buganda e Kampala

ENNYANJULA

Ekitabo kino kimaze emyaka egisukka mu ena (4) nga kiwandiikibwa. Ekirowozo ky'okukungaanya ekitabo kino kyanzijira oluvanyuma lwa mutabani wange omukulu, Kulumba Kivebulaaya, okuntuuza wansi n'ambuuza ebyafaayo byange, nga ayagala abiwandiikemu emboozi omusomesawe ow'Oluzungu gyeyali alaalise ekibiinaakye okuwandiika. Mba neetottola ebinfaako ne neesanga nga nina amatobotobo mangi, naddala ku bikwata ku kitange Paulo Kikwanguyira Kiyingi "Banadda", awamu n'obujjajja bwaffe bwonna. Ekyavaamu kwali kukola bbago eryasooka, lyenawereza eri buli omu ku nsigo za Kiyingi, ne bbaluwa eryanjula nga 3 Agusto 1997 (laba kopi y'ebbaluwa eyo wammanga). Ebbaluwa eyo yayogera bingi byennali ndowooza nga ekirooto mu kiseera ekyo. Nina essanyu ddene okulaba nti ekirooto ekyo kituukiridde, oluvanyuma lw'emyaka egyo ena n'okusoba.

Ekitabo kino sikiwandiise bwomu nzekka. Okusinga nkung'anyiza kikung'anye. Nsigo za Kiyingi zonna ze zikiwandiise awamu ne be beebuuzizzaako, abeng'anda n'abalala. Damasiko Kaggulire Kiyingi yakola omulimu musukkirivu okutalaaga wano na wali, mu bibuga ne mu byalo wonna mu Buganda, nga abuuliriza ebikwata ku byafaayo bya kitaffe Paulo Kikwanguyira Kiyingi (OLULYO LWA KIYINGI mwerwatandikira), olulyo lwaffe, obujjajja n'ekika kyaffe, n'abimpeereza eno mu Australia kati gye mbeera. Ebimu ku ebyo yabijja kuva wa Lwomwa, Omutaka Paulo Bbosa, omukulu w'ekika ky'Endiga. Dr Sam Kiyingi Lutalo yampeereza ebiwandiiko bingi eby'omugaso, omwo nga mwe muli ebiwandiiko by'obujjajja kitaffe ye kennyini byeyaleka awandiise, awamu ne kopi ya diary Omutaka Yusufu Mulindwa ne kitaffe Paulo Kiyingi gye baawandiika nga ettottola ebyabatuukako nga bali mu busibe n'obuwanganguse (1945-1947). Kojja Kasolo Sserunyigo naye yampeereza ebitonotono ku maama Eseza Nabwami Kiyingi. Efulansi Miriam Musoke Lwalamukwano yampeereza byajjukira ku bulamu bwa kitaffe ne nyaffe. Mutabani Paulo Kyambadde Ssalongo naye yampeereza ebitonotono byajjukira ku bulamu bwa jjajjaawe Kiyingi. N'abalala bangi be simenye mannya, bampeereza ebikwata ku kitaffe ne nyaffe, olulyo lwaffe awamu n'ebibakwatako bo n'empya zaabwe, nga bwemunaalaba mu buyungo (appendices) ku nkomerero. Mutabani Philip Sseruwagi Namukadde yampaandiikira ebbaluwa eyayongera okumpikamu omukka bwe gwali gunzigwamu, eyo nga mu May 1999.

Bagamba nti "Eyetuukira, tanywa matabangule", nange lino jjo lya balamu lwe nnamaze olw'e Buganda okufuuyibwako ku mpewo za bajjajja, nsobodde okujjuuliriza amatobotobo bannange ge baaleka, awamu n'okwekkaanya byennali sinnyunnyuse bulungi. Nyongera okwebaza Omutaka Paulo Bbosa Lwomwa, omukulu w'ekika ky'Endiga eyampa akadde okumusisinkana, okuddamu ebimu ku bibuuzo byennali nkyebuuza, ate n'ayongera okumpa ebiwandiiko ebirala ebyayongera okummatiza ku bujjajja bwaffe. Kojja Kasolo Serunyiigo (Omunnabyafaayo, Omuwandiisi w'Akakiiko akakola ku nnono z'Ebika bya Buganda) naye yayongera okuntangaaza ku lutalo ssematalo olwasooka (World War 1) awamu n'okumpa kopi z'empapula z'amawulire Matalisi ezaafuluma nga 26 Januali 1945 ne 6 May 1949, nga zittottola obutabanguko Namba 8 ne Namba 9. Maama Yuniya Nandawula Lwanga e Mulago, ku myaka gye egy'obukulu egiwera 84, yannyumiza bingi ku buzira bwa bajjajjaffe Kasolo Mbalire ne Asanasiyo Lule Mujugumbya.

Abantu abo bonna mbeebaza ne ssekwebaza emirimu eminene gye bakoze okutuusa ekitabo kino wekituuse.

Mu buli kitabo temubula nsobi. Ensobi eziyinza okuba mu kitabo kino zonna zange nga Omukungaanya. Oyo yenna aba alabyeyo emu oba ezindi, musaba antemyeko mu mwoyo mulungi ku ndagiriro eyo wammanga.

Eno wammanga ye bbaluwa eyayanjula ebbago ly'ekitabo eryasooka:

Dr Sekkadde Kiyingi
PO Box 293 Aitkenvale
Qld Australia

3 August 1997

Abaana ba Paulo ne Eseza Kiyingi e Makerere:
Kaggulire, Kulumba, Lwalamukwano, Bbosa, Nabbosa,
Kibuuka, Lutalo ne Naluggya.

ENSIBUKO YAFFE: EBYAFAAYO BYA KITAFFE NE NYAFFE

Baganda bange ne bannyinaze mwenna,

Mbalamusizza mwenna mu mwoyo gumu omuvumu era omwagazi. Mwebale gyonna egibateganya. Mwebale kukuuma na kulabirira ba mu maka gammwe. Mwebale na kwongera kulabirira maka gaffe ag'e Makerere awamu nakugalwanirira. Mpulira nti ab'eKkanisa ye Makerere Church of Uganda baali baagala waka kweddizaawo naye ne musimba nakakongo!! Mwongere temujja okwo.

Kale nno olwobukulu n'ebyafaayo by'amaka ago nebakadde baffe abaagatukulizaamu ekirowozo wekikomeddewo gyendi. Kino kye kirowozo ekyokuwandiika ebyafaayo bya Paulo Kikwanguyira ne Eseza Nabwami Kiingi. Tusaanye ebyafaayo ebyo tubiwandiike kati nga tetunabyerabira, ate era n'abantu abamu, nga Ana Nabbosa, Kojja Kasolo Sserunyigo n'abalala, nga bakyasobola okujjukira bye bajjukira. Kisaana abaana n'abazzukulu baffe nabo bamanye bulungi ensibuko zaffe, n'eza bakadde baffe. Bamanye nti Kitaffe yali njasabiggu eyalwanako ne mu Ssematalo eyasooka, ate era n'awangangusibwa nako. Nti era yali muvumu mu kusoma ne mukukola emirimu gye; nti era waliwo ekiseera we yaliwo mu bye nfuna n'obututumufu, kyokka oluvanyuma obulamu ne bumwonoonekera. Era kiki ekyavaako entabwe. Bya kuyiga ki byetuyinza okuyiga okuva mwebyo ebyabatuukako ye ne nyaffe mu maka gaabwe e Makerere.

Ekintu kino twalibadde twakikola dda, naye bugayavu bwaffe. Tusaana tukikoleko kati.

Nkozeewo ebbago ery'ebimu ku bibuuzo byetuyinza okwebuuza nga tuwandiika ebyafaayo ebyo ku bakadde baffe abo. Era ne ku nkomerero, naffe tugenda kuyungako ebitukwatako ffe. Ate olwo buli omu alyoke yewandiikeko ebibye ebimukwatako ye n'abendaaye. Ebimu mbiwandiise mu Luganda ebirala mu Luzungu. Munnaffe Kibuuka y'asinga okujjumbira eby'okuwandiika. N'olwekyo musabye y'aba aba omukungaanya era omuwandiisi omukulu. Nsuubira nti ekyo buli omu anaakisiima. Naye fenna tusaana tukolaganire wamu mu nsonga eno. Nze singa saali wala nnyo sandifuddeyo kuba mukubiriza. Nandyagadde okuwulira amaloboozi gammwe.

Mwekalirize: Eryo lyempeerezza bbago bubago erisooka, so ssi erisembayo. N'olwekyo buli omu wa ddembe okwongera ko, oba okukyusaamu mu kiba kitatuuse bulungi. Nsembayo nga mbajjukiza nti: "AGALI AWAMU ….."

Owammwe:

Seeka (Sekkadde Kiyingi)

Endagiriro y'Omukungaanya:

Dr Sekkadde Kiyingi
P.O. Box 293
Aitkenvale, Qld., 4814
Australia

Tel/Fax: 61+7+47752487
E-mail: kiyingi@bigpond.com

EBISOOKA

Omugenzi Paulo Kikwanguyira Kiyingi Banadda, oluusi ajja okuyitibwa "PK" mu kitabo kino, yazaalibwa mu mwaka gwa 1896, mu mwaka gwe gumu Ssekabaka Daudi Chwa ow'okubiri naye mwe yazaalibwa. Mu mwaka ogwo, kopi ya Baibuli mu Luganda eyasooka (gye baakazaako "the biscuit tin bible") mwe yafulumizibwa aba London Church Missionary Society, emale eyanjulwe ewa Kabaka Mwanga omwaka ogwaddirira. Era mu mwaka gwe gumu 1896 emizannyo gy'ensi yonna mwe gyatandikira (The First Olympic Games of the Modern Era) mu kibuga Athens ekya Buyonaani. Olwo bakadde ba Paulo Kiyingi baali babeera Mbale Mawokota ku lusozi Mpami.

Byali biseera bya mirembe, nga Uganda eteeseteseemu-kko. Emyaka gyali giyisewo ebiri (2) oluvannyuma lwa Bungereza okweyama okugikuuma (British Protectorate) mu ndagaano eyassibwako emikono nga 27 Agusto 1894. Ssekabaka Danieri Mwanga Basammula "Kalibukambwe" ye yali ku Nnamulondo ya Buganda. Apollo Kaggwa "Gulemye", eyayatiikirira ennyo mu biseera ebyo, nga ye Katikkiro we. Entalo z'ekisomi, wakati w'Abapoto, Abakato n'Abasiraamu, zaali zikkakkanyeemu. Kyokka nga okutwalira awamu ebiseera ebyo byonna byali bya butabanguko, ntalo, njala na bwavu, nga omugwira Omuzungu asimba amakanda mu nsi yaffe Buganda (Uganda). Anti mu myaka ena egyaddirira nga PK amaze okuzaalibwa, endagaano y'Olwenda (Uganda Agreement 1900), Abazungu ba Serwajjokwota mwebanyagirako Obuganda ekitiibwa n'obwetwaze bwonna bweyali esigazza, lweyakolebwa nessibwako emikono.